# NEMA ezzeemu okumenya abazimba mu Lubigi

Bya STEVEN KIRAGGA

POLIISI nga eri wamu n'ekitongole kya NEMA battukizza ebikwekweto by'okumenya ebizimbe ebigambibwa okubeera mu lutobazzi lwa Lubigi mu bitundu by'e Kawaala, ne baleka abatuuze mu maziga.

Ekikwekweto kino kyattukiziddwa ku makya g'Olwokuna era abatuuze abasula n'okukolera okumpi n'ettaawo ly'e Kawaala okuliraana Northern Bypass, baabunye emiwabo. Ebimotoka biweetiiye nga biwerekerwako ab'ekitongole kya NEMA, amagye ne poliisi byamenye amayumba ne bizinensi zonna eziriko laama eraga nti zaakumenyebwa aba NEMA.

Abaagezezzaako okulemesa aba NEMA, baatwaliddwa nga tebalinnya era bangi baasigadde mu maziga olw'ebintu byabwe okwonoonebwa.

Ebizimbe ebyamenyeddwa kuliko ne ofiisi za Kasubi Carpenters emyooga Sacco ng'abaddukanya ebbajjiro lino baakukkulumidde Gavumenti olw'okuttukiza ebikwekweto ne boonoona emmaali yaabw eng'ate ssente ze bakozesa baazeewola bwewozi.



Abamu ku be baamenyedde amayumba nga basobeddwa. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

Isma Ssennabulya omu ku be baamenyedde ennyumba, yakukkulumye olw'obukambwe obwakozeseddwa mu kikwekweto kino n'agamba nti tamanyi waakudda kuba w'abadde asula ne ffamire ye era nga w'akolera.

Cathy Nakimuli nga nnakawere wa wiiki bbiri, yategeezezza nti baamenye we yabadde ayiiyiza ekikumi okwebeezaawo ne bbebi we.

Abatuuze baategeezezza nti omwezi ogujja kkooti ebadde etandika okuwulira omusango gwabwe kyokka kyabeewuunyisizza NEMA okubamenya nga tesoose na kubalabula kufulumya mmaali yaabwe.

Eyaliko omumyuka wa Mmeeya wa munisipaali y'e Nansana, Isaac Ssali Keith yagambye nti, abanaku be baasinze okukosebwa.